## EMPISA Z'OBUSIRAAMU

1* Omusiraamu ayogera mazima talimba.
2* Akolera ku byayogera era abifaanana ,tabeera na nkwe takumpanya aba muntumulamu.
3* Tayogera bubi kubasiraamu banne ate tabageya mpozzi nga wazzewo embeera ekkirizisa ekyo.
4* Abeera mumalirivu sso ssi mutiitiizi.
5* Abeera mugumunkiriza mu mbeera z'okutaasa amazima n'okugalwanirira ate n'agoogera.
6* Abeera mwenkanya eri abalala n'eri omwoyo gwe tatyoboola ddembe lya banne mu busiraamu ate naye takkiriza kulyazamanyizibwa, aba muvumu era taleka muntu yenna kumala gamukkakkanya.
7* Yeebuuza kubuli nsonga gy'aba ayagala okukola ate oluvannyuma ne yeesingamira Allah .
8* Alongoosa buli ky'akola nnyo ng'obusobozi bwe we bukoma
9* Abeera wa nsa ow'ekisa ,alongoosa ate n'akubiriza n'abala okulongoosa era aleka ebikyamu byonna..
10* Omusiraamu agezaako nnyo okulafuubana mu kkubo lya Allah era afuba okulaba nga eddiini ya Allah agitaasa era agisaasanya.
11* Omukyala omusiraamu ayambala n'abikka obwereere bwe nebutalabwako musajja yenna oyo atamuzira kufumbirwa .Abikka omubiri gwe gwonna okuggyako ebibatu n'ekyenyi kye.

## OMUKYALA OMUSIRAAMU.

1* Omukyala mu busiraamu aba mwannyina wa musajja mu ddiini.
2* Yatondebwa Allah ng'era Allah bwe yatonda omusajja.
3* Akuutirwa nekulw'ensonga eyo okujeemulukukira Allah
4* Alagira okukkiriza Allah ,okumwagala wamu n'okumugondera .
5* Ateekwa okukkiriza obubaka bwa nabbi Muhammadi (emirembe gibe kuye) bwe yajja nabwo.
6* Alagirwa okuyimirazaawo esswala ,okutoola zakah ,okusiiba ,okukola hijja .
7* Yeetaagagibwa okugoberera amateeka ga Allah ng'omusajja bw'akola.
8* Alina okukuza abaana be kundera ey'obusiraamu nempisa zaabwo.
9* Wabula omukyala ayawukanako ku musajja mu ngeri zino wamanga:
10* Alina okwambala engoye ezimubikka omubiri gwe gwonna eri abamuzira ,okuleka ebibatu n'ekyenyi.
11* Bwaba ali mu biseera by'okusuulumba ebya buli mwenzi talina kusaala,kusiiba ,kukwata Quraane yadde okutuula mu muzikiti.
12* Ebiseera bye bino bw'abivaamu,ateekwa okunaaba olunaaba olw'okwetukuza (Gusulu) ate bw'aba yalya ennaku mu kisiibo nazo n'aziriwa naye taliwa sswala.
13* Okusaala esswala y'ejjuma (ku lw'okutaana ) ssi kyatteeka gy'ali wabula bw'aba ayagadde agisaala .Ekimukakatako kwe kusaala Zuhuri awaka .
14* 13.Takkirizibwa kufumbirwa musajja atali musiraamu okuggyako nga omusajja akkirizza n'asiramuka.

www.islamic-message.net
AHLAN : www.ahlan-group.com
www.facebook.com/Ahlan.Explore
info@ahlan-group.com
africaislamicdaawah@gmail.com

AFRICA ISLAMIC DAAWA ASSOCIATION. (AIDA)

# Okukowoola buli muntu okwegatta ku bakkiriza

# EKKUBO ERINAAKUTUUSA MU BUSIRAAMU.

Conveying Islamic Message Society
P.o.Box 834 - Alex - Egypt
E-Mail:info_en@islamic-message.net
E-mail:cims_eg@yahoo.com
Site: www.islamic-message.net
Not for sale يُهدى ولا يُباع

باللغة اللوجنديه

# OBUSIRAAMU.

**OMUSINGI OGUZIMBIRWAKO OBULAMU BWAFFE**

**MUHARRAMAATI (EBINTU EBITUZIYIZIBWA).**

**Allah ow'ekitiibwa yatussaako amateeka ag'enjawulo mangi mu Quraane ey'ekitiibwa ng'era geyolekera ne munkola ya Nabbi waffe Muhammadi (emirembe gibe kuye).**

1* Agamu ku mateeka gano gatulaga ebyo ebitukakatako okukola so ate amalala gatulaga ebyatuziyizibwa .
2* Ebyo ebitukakatako okukola ,twabikulaze era twabinnyonnyoddeko (okusaala,okuwa zakah, okusiiba ,n'okukola hijja).
3* Ebyo ebyatuziyizibwa(muharramaati) ebimu kubyo bye bino wammanga;
4* Eby'okulya n'emmere etaliibwa.
5* Ennyama enfu: Eno y'ennyma ey'ebisolo oba ebinyonyi ebifudde byokka nga tebisaliddwa .Biyinza okuba nga bitugiddwa butugwa ,bigudde kuva waggulu nebifa nga tebisaliddwa mu busiraamu.
6* Era n'ebisolo ebisaliddwa abatali basiraamu ng'abayudaaya, abakulisitaayo,abasamizze nabyo tebirina kuliibwa musiraamu.
7* Ebyenyanja n'ebisolo ebiwangaalira munnyanja bwebiba bifudde byo biriibwa.
8* Omusaayi tegulibwa.
9* Ennyama y'embizzi teribwa.
10* Ennyama yonna nga mukusalibwa kwayo yakowooleddwako erinya eritali lya Allah ,ng'eryekitonde oba omuzimu teriibwa
11* Ennyama y'ebisoolo oba ebinyonyi ebirya ennyama nga empologooma ,embwa n'ebirala ,nebinyonyi eb'enjala nga kamunye ,empungu ,nebirala.
12* Ennyama y'enkima n'endogoyi ezikuumibwa awaka.
13* Emmere eyonooneddwa ekintu ekijama nga omusulo oba empitambi, okujjako nga kisoboka okujooza n'amazzi n'etukula era nekikolebwa.
14* Eby'okulya n'ebyokunywa ebitamiiza .
15* Eby'okulya ebirimu obutwa oba ekintu kyonna ekikosa emibiri gyaffe.

# EKYOKUBIRI:EMIRIMU EGITAKKIRIZIBWA KUKOLA.

**Allah tayagala bintu bino wammanga era abonereza abakozi babyo.**

1* Okumugattako ekintu kyonna mu kumusinza n'okyenkanyankanya naye.
2* Okujeemera abazadde ababiri n'okubayiisa obubi n'okubayisa obubi.
3* Okuwa obujulizi obw'obulimba
4* Okutta omuntu oyo Allah gwe yaziyiza okutta ,singa tewabawo nsonga ntuufu mu mateeka g'obusiraamu.
5* Obwenzi oba obutambuze .
6* Okubba ebintu by'abalala.
7* Okulya oba okwekomya emmaali ya bamulekwa mu bulyazaamanyi.
8* Okudduka mu lutalo lw'eddiini nga wabaddewo okulwanyisa abatakkiriza.
9* Okutemerera Omuntu ekigambo gamba nga okwenda ku musiraamu ate nga tannakikola
10* Okubikkula obwewereere bwo n'obulaga omuntu oyo atateekeddwa kubulabako.
11* Obwerere bw'omusajja buva waggula w'ekkundi okutuuka wansi w'amaviivi.Obw'omukyala butwala omubiri gwe gwonna okuggyako ebibatu byombi n'ekyenyi kye.
12* Okutwala emmali y'abalala mu bukuusa gamba ng'oyita mu kulya enguzi ,enfissi,obulimba n'obufere.
13* Okuwasa maama wo ,muwalawo, mwannyoko ,ssenga wo,maama wo omuto,muwala wa mugandawo oba owa mwannyoko,mukazi wa kitaawo,mukyala wa mutabani wo maama wa mukazi wo oba muwalawe.
14* Omusiraamu tateekedwa kuwasa mukyala atali musiraamu okuggyako ng'asiraamuse naye akkirizibwa okuwasa omukyala eyeekwata ku kitabo kya nabbi Isa masiya (injil) oba ekya Musa (Tawurati).
15* Omukyala omusiraamu takkirizibwa kufumbirwa musajja mukatoliki oba omukulisitaayo okuggyako nga asiraamuse

# MIKWANO GYA ALLAH (AWULIYAA)

1* MIkwano gya Allah b'ebo abasiraamu b'ayagala ennyo ate nga nabo bamwagala nnyo.
2* Be bakkiriza mu busiraamu nga batuufu mu kugondera ebiragiro bya Allah byonna .
3* Empeera yabwe ,Allah abawa obulamu obwangu munsi muno ate nga bajja kubeera ku mwanjo ne Allah kulunaku lw'enkomerero mu jjana ye.
4* Wabula abantu bano tebalina kye basobola kuyamba muntu yenna nga bavudde munsi oba nga tebanaffa mu bintu Allah byeyesigaliza.
5* Allah owekitiibwa atugamba mu makulu, "Mazima kikakafu mikwano gya Allah tebajja kufuna kutya wadde ennaku .Abo abakkiriza era nga beeziyiza ebyo ebitabakirizibwa.Balina okusanyusibwa mu bulamu buno n'obwoluvannyuma ,tewali kukyusa mu kigambo kya Allah kwonna ;kuno kwe kwesiima okusingayo obulungi" ( Quraane:10:6264-).
6* N'olwekyo beera omusiraamu omulungi ojja kubeera omu kubantu abo.
7* Allah ow'ekitiibwa atugamba mu makulu; "Abo abanaagongera Allah n'omubaka we bajja kuba wamu n'abo Allah be yassako ebyengera muba nnabi aboogezi b'amazima era abagakakasa ,abajulizi n'abo abalongoofu era abo gyemikwano egisinga obulungi" (Quraane 4:69).
8* Waggulu w'emikwano gya Allah ate waliyo bannabi ba Allah.
9* Mu abo mulimu abatuukirivu mu kukkiriza n'okugoberera ababaka (bannabbi) ba Allah.
10* Mulimu ba sswahaaba abakkiriza nabbi muhammadi wamu ne bakyala be (bamaama babakkiriza).
11* Abaasinga muba sswahaaba b'ebo ekkumi (10) omubaka be yayatula amanya nti ba kuyingira jjana.
12* Bano ba Sswahaba Allah be yalonda okulwanirira eddiini eno ,ab'ebitiibwa bamanyiddwa nti be beewaayo n'obumalirivu obungi obusiraamu butetuukeko.
13* Waggulu wa bano ekkumi ,eriyo abana (4) ba kaliifa oba abasika ba nabbi abaalondebwa okutwala mu maaso obukulembeze bw'obusiramu oluvannyuma lwa nnabbi (s.a.w).
14* Bano bali bwebati mu nsengeka yaabwe:
* Abu bakari Siddiq (yafa emyaka 13 oluvannyuma lw'okusenguka).
* Umar bin Khattaabi (yafa emyaka 23 oluvannyuma lw'okusenguka ,(Hejira) .)
* Uthuman bin Affaani .(yafa emyaka 35 oluvannyuma lwa Hejira).
* Ali bin Abi Taalib (yafa nga wayise emyaka 40)

15* Abalala abasigaddeyo kubano ekkumi bebano:
* Saad bin Abi Waqqas
* Talha bin Ubayidillah
* Abdu-Rahmaani bin Awufu
* Abu Ubaida Amru bin Jarraahi
* Saad bin Zayidi
* Zubairi bin Awwaamu.

Allah tumusaba abasseeko okusaasira kwe.